# EBINTU 10 BY'OKOLA OKUTANGIRA OKULWALA OMUSUJJA GW'ENSIRI

## Asiika Obulamu


Omwana ng'ateekeddwa mu katimba k'ensiri ng'agenda okwebaka.

Bya MARGRET ZALWANGO

CATHERINE (si linnya lye ttuufu), yali ku mulimu ng'akola n'awulira obulumi mu lubuto, amangu ddala n'awulira ng'ayagala kweyamba era n'agenda okweteewuluza.

Mu kiyigo gye yazuulira ng'afulumizza amatondo g'omusaayi. Yadduka mu ddwaaliro gye baamutegeereza nti, olubuto lwe olw'emyezi ena lwali luvuddemu nga n'ekyavaako ekyo, gwali musujja gwa nsiri gwe yalina kyokka nga yali tannaguwulira.

Ono y'omu ku bakazi abangi mu Uganda abavaamu embuto olw'omusujja gw'ensiri oluusi gwe bagayaalira nga tebamanyi bulabe bugulimu.

Omulamwa gw'omwaka guno okulwanyisa omusujja gugamba nti, "Okulafuubana okumalawo omusujja gw'ensiri. Tusobola. Era tuteekwa".

Dr. Jane Nabakooza, omukugu mu kulwanyisa omusujja gw'ensiri mu minisitule y'ebyobulamu agamba nti, wadde byonna bikoleddwa okulwanyisa omusujja guno, abantu bakyatwala omusujja guno ng'obulwadde obwabulijjo.

Uganda ekwata kyakusatu mu nsi yonna okubeera n'abantu abalwala omusujja gw'ensiri, ate kyamwenda okubeera n'abafa omusujja guno mu nsi yonna.

Ku balwadde 100 abagenda mu ddwaaliro, 20-30 babeera ba musujja ate bataano ku 10 bafa. Wabula Nabakooza agamba nti, Uganda esenvuddeko okusinziira bwe gubadde mu myaka egyayita.

Mu 2024 abantu obukadde 280 be baazuulibwa nga balwadde omusujja gw'ensiri mu malwaliro okwetooloola ensi yonna ate abantu 60,000 be bafa omusujja guno kyokka guno omuwendo gwali gweyongedde okusinga emyaka egyali giyise.

Okusinziira ku lipooti ya Uganda Bureau of Statistics eya Malaria Indicator Survey 2024-2025 n'ebibalo okuva mu U.S. President's Malaria Initiative mu Uganda, omusujja gw'ensiri gweyongedde mu baana wakati w'emyezi mukaaga n'emyaka etaano ng'omuwendo guli wakati w'ebitundu 13 ku 100 okuva ku 10 ku 100 ne 21 ku 100.

Ekitebe kya America mu Uganda omwaka oguwedde baagaba obutimba 107,000 ne baafuuyira eddagala eritta ensiri mu maka 750,000. Lipooti yalaga nti, abantu 37 ku 100 abaweebwa ebitanda mu malwaliro baba balina omusujja gw'ensiri.

Abakugu bagamba nti, walina okubaawo ekikolebwa ekisinga ku kugaba obutimba okwongera okutangira omusujja gw'ensiri mu baana n'abakazi ab'embuto.

Mu 2025 Gavumenti ya Uganda yatongoza okugema omusujja gw'ensiri mu baana ne kugattibwa ku kugema kw'abaana okumanyiddwa ng'abaana abasoba mu kakadde abali wansi w'emyaka ebiri be basuubirwa okuganyulwa mu kugema kuno.

Eddagala lino liweebwa abaana mu miteeko ena: ku myezi mukaaga, musanvu, munaana n'emyezi 18.

### KW'OLABIRA OMUSUJJA GW'ENSIRI

- Okuwulira olusujjasujja ne ssennyiga.
- Okulumwa omutwe.
- Okulumwa ebinywa n'okuwulira obukoowu obususse.
- Okusinduukirirwa emmeeme, okusesema n'okuddukana.
- Waliwo obubonero obubi ddala okuli okuggwaamu omusaayi ssaako amaaso okufuuka kyenvu.

Bw'olaba akamu ku bubonero buno, yanguwa ogende ew'omusawo mu ddwaaliro ofune obujjanjabi.

Ssinga tokikola, kiyinza okuvaako ensigo okulemererwa okukola, okwesika, okutabuka obwongo, okugenda mu coma oluusi n'okufa.

Akabonero akasooka okuva ensiri lw'ekulumye kalabika wakati w'ennaku 7 ne 30.

### ENGERI 10 EZIZIYIZA OKULWALA OMUSUJJA GW'ENSIRI

1 Okwebaka mu katimba k'ensiri akalimu eddagala.

2 Okukozesa ebintu ebigoba ensiri okukutuukako okuli woyiro ava mu kalittunsi.

3 Okwambala engoye ezibikka omubiri gwonna naddala mu budde bw'akawungeezi n'ekiro ate nga za langi ezaaka.

4 Kozesa eddagala erifuuyira ensiri ne zidduka.

5 Saanyaawo ebidiba n'ebikebekebe ebiregamamu amazzi omwalulira ensiri, n'okubikka ku bintu nga ttanka oba amapipa mw'okuumira amazzi.

6 Mira ku ddagala eriziyiza okulwala omusujja gw'ensiri naddala ng'ogenda mu bifo awali ensiri ennyingi. Kyokka sooka olabe omusawo akuwandiikire eddagala eryo.

7 Amadirisa n'enzigi bisseemu obutimba obuziyiza ensiri okuyingira.

8 Kozesa koyiro n'ebintu ebirala ebigoba ensiri ofuuyire mu nju akawungeezi n'ekiro.

9 Weegendereze nnyo mu budde bw'akawungeezi ensiri ezisaasaanya omusujja mwe zisinga okulumira.

10 Genda mangu mu ddwaaliro weekebeze kikuyambe obutakosebwa musujja.

Jjukira nti, okutangira omusujja gw'ensiri kisinga okugujjanjaba.

### ABANTU OMUSUJJA TEBAGUTWALA NGA ENDWADDE ENKAMBWE

Dr. Nabakooza agamba nti, obutimba bugabiddwa, abantu basomeseddwa, amaka bagafuuyidde ne kaweefube omulala akoleddwa kyokka omusujja gugaanye okuggwa mu bantu.

Abakugu baakizuula nti, Bannayuganda omusujja tebagutwala nga ogw'obulabe, bagutwala ng'obulwadde obwabulijjo ng'ate gwe gusinga okubatta n'okukosa obwongo.

Gavumenti ya Uganda ng'eyitta mu ggwanika lyayo ssaako ssente eziva mu bavujjirizi, esaasaanya ssente ezisoba mu bukadde 350 eza ddoola ku kujjanjaba omusujja gw'ensiri, nga ffamire emu esaasaanya ekitono 30,000/- okujjanjabisa omulwadde w'omusujja mu ddwaaliro.

Kino Dr. Nabakooza agamba nti, kireka amaka mangi mu bwavu, olwo ssinga ffamire ebeeramu abantu bangi, buli omu n'alwala mu mwaka beekanga tebalina ssente ze bafissizza olw'omusujja.

### Abantu kye bagamba


**Yudaya Nalwegayo : Ffenna tumanyi kye tulina okukola naddala okulongoosa awaka naye abakulu bongeremu amaanyi mu kusomesa abantu ku bulabe bw'omusujja gw'ensiri.**


**John Buyondo: Tunnyikize okugema. Empiso y'esaanye okusooka mu mubiri gw'omwana ate akatimba libe eddagala erisooka okulwanyisa omusujja gw'ensiri.**


**Dorah Namawejje : Omusujja ke guli nti, gusinga kukosa baana, abazadde tunyiikire okugemesa abaana baffe ate tukole n'abasawo bye batugamba ng'okulongoosa awaka n'ebirala.**

## Abasawo b'oku byalo bagenda kulondoola okugema

Guweze omwaka mulamba okuva Gavumenti lwe yatandika okugema abaana omusujja gw'ensiri mu April wa 2025 kyokka omuwendo gw'abaana abamalayo ddoozi tegusanyusa.

Dr. Nabakooza agamba nti, wadde ekiseera ky'okukakasa ebituukiddwaako ku nkola y'okugema etuuka mu June omwaka guno, bazudde ng'abazadde tebajjumbidde kugemesa baana.

Ku baana 100 abagemebwa ddoozi esooka, 68 bokka be bazzibwayo okufuna ddoozi eyookubiri.

Omuwendo gw'abaana abafuna ddoozi gukendeera ng'abafuna ddoozi esooka bonna tebakomawo kufuna ddoozi yaakubiri, ate abafuna eyookubiri bonna tebafuna yaakusatu.

Agamba nti, omwana tafuna bukuumi bumala ssinga tafuna ddoozi waakiri ssatu ez'eddagala erigema omusujja gw'ensiri kyokka bamaze okukwatagana ne ba VHT okulondoola okugema abaana okumalawo n'okukendeeza omuwendo gw'abaana abalwala n'okufa omusujja guno.

Gavumenti ya Uganda eruubirira okumalawo okufa okuva ku musujja gw'ensiri mu 2030 ate mu 2035 nga tewakyali muntu alwala musujja guno.